**P360/2**
**LUGANDA**
**Paper 2**
**2026**
3 hours

# UGANDA NATIONAL EXAMINATIONS BOARD

## Uganda Advanced Certificate of Education

LUGANDA

**Olupapula olwookubiri**
**(Litulica)**

Esaawa ssatu

**EBIGOBERERWA**:

*Olupapula lw'ekigezo luno lulimu ebitundu bibiri*; **A** *ne* **B**. *Awamu mulimu ennamba ssatu*.

*Ekitundu* **A** *mulimu ennamba emu era ya* **buwaze**.

*Mu kitundu* **B** *mulimu nnamba bbiri. Kolako* **emu**.

*Ddamu ebibuuzo* **bibiri awamu**.

*Oweereddwa amagezi okukozesa esaawa* **bbiri** *ku nnamba* **1** *n'esaawa* **emu** *ku nnamba* **2**.

*Ebibuuzo ebisukka mu by'olagiddwa okuddamu* **tebijja** *kugololwa*.

SAMPLE PAPER

*© 2026 Uganda National Examinations Board* 

## EKITUNDU A

*Kino ekitundu kya buwaze*

*Soma ekitundu kino n'oluvannyuma oddemu nga bw'olagiddwa.*

**1.** Essomero Kewerimidde lya bawala n'abalenzi abava ebweru era liri ku musingi gwa ddiini. Liri kumpi n'akabuga omuli ebirabo by'omwenge, akatale akoolubeerera, okuzannya zzaala, ebiduula n'ebinyumu ebya buli ngeri. Embeera eno eviiriddeko abayizi okweyisa mu ngeri etasaana. Omukulembeze w'eddiini ky'avudde avaayo n'atuukirira omukulu w'essomero nga yeemulugunya ku nneeyisa y'abayizi eno eswaza essomero n'enzikiriza yaabwe. Amusabye abeeko ky'akola okumalawo embeera eno.

**Ekyokukola**:
Osomye, olabye era n'onyumirwa emizannyo egy'enjawulo. Wandiika omuzannyo ku mbeera eyo, nga gusobola okuzannyibwa mu ddakiika nga **kkumi na ttaano** (15).

## EKITUNDU B

*Ddamu nnamba* 2 **oba** 3, *nga weesigama ku bitabo bino wammanga:*

Emizannyo**:**
**Mercy Mirembe Ntangaare**: *Ssemitego Omuyizzi Kkungwa*
**Ddamba Andrew Kibuuka**: *Omwoleko Gw'omuganda n'Obuwangwa*
**Ddamba Andrew Kibuuka**: *Jjegeju*

Engero Enjiiye**:**
**Achilles Zzimbe**: *Okalya Dda Kadda Dda*
**Robert G. Mukasa**: *Ekuba Omunaku Tekya*
**Ulysses Chuka Kibuuka***: Bukya Baggula Bifulukwa*
**Achilles Zzimbe**: *Teguzibirwa Kkubo*

### Ddamu

**2.** Omwami w'eggombolola y'e Najjembe yabadde alambuula abatuuze be n'asanga ng'obusiiwuufu bw'empisa buyitiridde mu kitundu kye. Kino kimwennyamizza nnyo era n'asigala nga yeebuuza ensibuko y'embeera eno Bwa'badde mu lukiiko lw'abasomesa n'abazadde ku ssomero lyammwe aleese ensonga eno era n'ayongera okugivumirira. Bwe muzze mu kibiina omusomesa wammwe n'abasaba mukubaganye ebirowoozo ku nsonga eyo.

**Ekyokukola**:
Weesigame ku katabo kamu ku obwo obulagiddwa waggulu, onnyonnyole bayizi banno ebivaako embeera eyo, eyo ewammwe gye mubeera.



SAMPLE PAPER

**Oba**

**3**. Nanku y'omu ku bawandiisi abapya ab'engero enjiiye n'emizanyo gya katemba be wandiyise 'Abayiiya abaggya'. Naye bw'osoma mu biyiiye bye okizuula mangu ng'akyalemeddwa okweyambisa obulungi omusono gw'olulimi. Era kino singa akikolako ebiyiiye bye byandikutte ekifo kya ku mwanjo ng'abayiiya abaasooka.

**Ekyokukola**:
Nga weesigama ku kamu ku butabo obwo waggulu, yamba Nanku ayongere ku mutindo gw'ebiyiiye bye.

SAMPLE PAPER